Ebibuuzo n'okuddamu (Sirimu/akawuka)

Ekibuuzo. Akawuka kye ki?

Okuddamu. Akawuka ke kareta sirimu. Akawuka kayinza okutambuzibwa, oba okuva ku muntu omu okuda ku mulala mungeri saatu: okwegata, okugata omusaayi, okuva ku maama okuda ku mwana. Waliwo ebintu bisaatu ebiyinza okwetika akawuka byebino: omusaayi, enkwanso, amazzi go mukazi namata go mukazi. Akawuka kano konona ebitundu omubiri obutafuna ndwade.

Ekibuuzo. Sirimu kye ki?

Okuddamu. Sirimu gw'ofuna singa oba omaze okufuna akawuka. Waliwo engeri bbiri ezeyambisibwa okulaga oba omuntu alina sirimu. Okwekebeza omusaayi, engeri endala singa omuntu alwala nga abade teyekebeza nga musaayi bagamba nti alina sirimu.

Ekibuuzo. Abantu bona abalina akawuka balina sirimu?

Okuddamu. Nedda, omuntu asobola okuba n'akawuka naye nga talina sirimu. Sirimu yalinga ava mu kukwatibwa kwa kawuka. Mbutuffu abantu abalina akawuka batera okuba abalumu obulungi nga akawuka tekananafuya mibiri gyabwe ne gyiba nga girwala mangu. Akawuka si kekareta okuva sirimu koka, naye wabula kanafunya omubiri era endwade endala wezifunira akakisa nga omubiri gunafuyidwa nekivirako okuva kwo muntu.

Ekibuuzo. Akawuka katambuzibwa katya?

Okuddamu. Mungeri saatu akawuka kayinza okutambuzibwa (mukwegata, okugata omusaayi, n'okuva ku maama okuda ku mwana) waliwo ebintu ebyenjawulo byeyina okuba obulindala. Entambuza e bawo singa omuntu alina akawuka yegata natakalina mungeri saatu ezo. Akawuka katambuzibwa okuva ku muntu akalina okuda kwabade takalina. Ebitundu 85% kuntambuza kiva mu kwegata mukwano.

Ekibuuzo. Nyinza kwewala ntya obutafuna kawuka?

Okuddamu. Engeri esoka yeyokwekebeza omusaayi okumanya bwe tuyimiride. Bwetuba tumaze okumanya bwe tuyimiride awo tuyinza okukyusa embera z'obulamu bwafe. Abakazi abasubira okufuna abana nga balina akawuka balina okufuna obujanjabi okusobola okendeza ku mikisa gy'okutambuzamu akawuka ku baana babwe – ebifo ebisinga biwa obujanjabi buno ku bwerere. Tuyinza okufumba ku byuma ebisala okusobola okuta akawuka. Obutawanyisa byuma ebyo kisingako. Kino kigya kutangiramu essassanya ezo zona. Okwetangiramu essassanya mu kwegata tuyinza : okuba n'omwagalwa omu gwe tumanyi naye talina kawuka n'okuzesa obupiira.